Re:Mbu abemitima emiyaba yaba...

Posted by JeenaJulia - 2008/05/15 11:41

Ateze mukyala we akakodyo n’amukwata

Ensangi zino abasajja bayita mu kakodyo k’okugulira abakazi naddala ebyokulya okukakkana nga babasulise ennenge.

Omusajja omu yasazeewo kugulira mukyala we kyamisana buli lunaku.

Kino yakikoze mu ngeri nti yafunye omuwala aweereza emmere n’amulagira agimutwalirenga wabula n’amugaana okutegeeza omukyala amugulire emmere eno.

Omukazi emmere yagiriiridde wiiki bbiri, olwo agimugulira kwe kumusaba amuwe nnamba y’essimu basisinkane mu kifo ekimu mu Kampala.

Nnakyala yalimbye bba nga bw’anaddayo nga buyise era essaawa endagaanye yamusanze mu kifo ekyo kyennyini.

Wabula yakanze kulinda ng’eyamulagaanyisizza tamulabako.

Mu kiseera ekyo ne bba we yatuukidde n’amubuuza gw’alinda ne yeebuzaabuza.

Oluvannyuma bba yamutegeezezza byonna nti y’abadde amugulira emmere, ng’ayagala okukakasa oba omutima gwe muyabayaba.

OSANGA MADAM YABADDE AYAGALA KUGAMBA "THANK YOU".Kale olabye ensi eno???:blush: :blush: :blush:

==========

Re:Mbu abemitima emiyaba yaba...

Posted by Meli - 2008/05/15 12:10

Oyo omusajja gwamusinze, kubanga naye singa gwebabadde bakemye chances ziri nti yandiyitise. Agende awase nomulala naye omukeme anatubulira oba alifuna watuula. Ekikulu omuntu okulya emmeere eyo oba okugenda ku appointment tekitegeeza nti tayagala gwaali naye, era tekitegeeza nti agenze gwegirisa. Emirundi egisinga abakyala, bawula obuganzi ku mukwano ogwa friend. Kale oluusi osanga yabadde agenze kulaba ani mugulira emmeere buli lunaku, nokumusiima mu ngeri etali ya bwenzi. BIG MISTAKE omwaami oyo gyeyakoze. Kati nno tumwagaliza obuwuulu obwessanyu.

==========

Re:Mbu abemitima emiyaba yaba...

Posted by omumbejja - 2008/05/15 20:46

Omwaami kyaava tatulimba bwaaba yabadde ayagala kukema mukazi we lwaaki teyakozesa mukwaano gwe ye mukwano gwe najja namunyumiza oba omukyaala yagenze neyebaza emmere mungeri emu at least ye Mukaabya

munne yamuleka na mu servinga emmere

http://www.youtube.com/watch?v=o2mwhZSJM74&feature=related

==========